



# نواقض الإسلام

سماحة الشيخ عبد الله بن عبد العزيز بن باز رحمه الله

قام بترجمته إلى الأوغندية

الدكتور حسين محمد بوا

**EBYONOONA OBUSIRAAMU**

Kyawandiikibwa

**Sheikh Abudallah ibn Abdul Aziz Ibn Baz**

Kyavvunulwa

**Dr. Hussein Muhammad Bowa**

طبع على نفقة وصية خولة دخيل الجسار رحمة الله (دولة الكويت) بإشراف اتحاد علماء إفريقيا  
Kifulumiziddwa Nga kisasulidwa okuwaayo Okwali mu Kiraamo ky'Omugenzi  
Khaula Dakhil al-Jassar Allah amusaasire. (Kuwait) Nga kirabirirwa (Ekibiina  
Ky'abamanyi ba Africa Abasiraamu)

2016/1437

### **Ennyanjula y'omuvvunnuzi تقديم المترجم**

Amatendo gonna amalungi ga Allah (SW) Nannyini buyinza, oyo atenderezebwa nabuli kitendo kyonna eky'ekitibwa, era Emikisa n'okusaasira byonna bibeere ku w'ekitiibwa Nnabbi waffe Muhammad (SAW)oyo nanyini kuleeta Ddini eno ey'Obusiraamu era nagiyigiriza abagoberezi be, era n'atuuka okuva munsu nga agitangazizza eri buli omu. Allah amusaasire era amusasulemu ebirungi bingi nnyo awamu n'Abo bonna abamuddira mu bigere okusaasanya eddini eno Busiraamu, n'Abagoberezi be okutusiza ddala ku lunaku lwenkomerero.

Obusiraamu ye ddini Allah gyeyasiimira abaddu be era nagikwasa Omubakawe Muhammad SAW eyagitusa ku bantu. Eddini eno eyimirirawo kumpagi z'Obukkiriza omukaaga, nempagi z'Obusiraamu ettanu nga ezo buli Musiraamu zaatekwa okumanya nokuzekwatako okukuuma obusiraamu bwe nga butuufu, buli lwabivaako mubugenderevu kiba kyonoona obusiraamu bwe.

Mukitabo kino Sheikh yayanja ensonga Omusiraamu zaakola nezoonoona Obusiraamu bwe, nekitegeeza nti omuntu alina Okwegendereza obutaseerera kuva ku misingi gino kimusobozese okukuuma obusiraamu bwe nga tebukoseddwa.

Tusaba Allah atusobozese okukuuma eddini yaffe nga tutuukiriza amateeka ga Allah nga bweg'atuyigirizibwa n'omubaka Muhammad SAW.

Omuvvunnuzi

Dr. Hussein Muhammad Bowa

Amatendo amalungi gonna ga Allah, Okusaasira n'emirembe bibeere kw'oyo atalina Nnabi agenda kujja luvannyuma lwe, era bibeere nekubantu benjuuye, abagoberezibe nekwabo bonna abaalunghama olwenjirizaye.

Oluvannyuma lwebyo, Manya muganda wange Omusiraaamu nti Allah SW yalaalika ku baddube bonna okuyingira mu Busiraamu n'okubwekwatako n'akwewaza ebibwawukanya nayo era naatuma Omubakawe Muhammad SAW akoowoole abantu eri ebintu ebyo. Era Allah SW nategeeza nti omuntu yenna aba amugoberedde aba alunghamwe, ate aba amwawuknyeeke aba abuze. Era mu Ayaat nyingi mu Qur'an yeewaza abantu okukola ensonga eziyinda okubaviirako okuva mu Busiraamu nengeri zonna ezivaako (Shiriki) okugatta ku Allah oba okukaafuwala.

Abamanyi nabo -Allah abasaasire- baayogera mu bitabo byabwe bwebaali boogera kunsonga y'omuntu **Murtaddu** avudde mu Busiraamu nti: Omusiraamu ayinza okuva mu Ddini ye okusinzira kunsonga nyingi ezo ezimenya Obusiraamu era ezikkirizisa omusaayi gwe okuyibwa ne Maali ye okutwalibwa era nabeera nga afulumye mu Busiraamu, era nga n'ensonga ezisinga okuba ezakabi ate nga n'abantu zebasinga okukola ziri kkumi, abamanyi bangi b'azogera mubitabo byabwe nga mwemuli ne Sheikh Muhammad bin Abdul Wahhab, bonna Allah abasaasire. Wano tuganda kuzikubuulira mubufunze osobole okuzeewala n'okuzewazisa banno abalala nga tusubira nti ekyo kijja kuyamba obutazigwaamu, era tujja kugoberezaako okunonyola okutonoto buli luvannyuma lwansonga.

**Ensonga Esooka:** mwezo Ekkumi ezimenya Obusiraamu: Okugattika ku Allah mu kumusinja (Okukola Shiriki) Allah Owekitibwa yagamba :

{ إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَنْ يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَنْ يَشَاءُ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ

Nissa-e: فَقَدْ ضَلَّ ضَالًّا بَعِيدًا } (116)

Amakulu nti: Mazima ddala Allah tasonyiwa kuggattibwako kintu kyonna (mukumusinza) naye ate ayinza okusonyiwa (ekisobyo kyonna) ekitali ekyo kumuntu yenna gwaba ayagadde, era omuntu agattika ku Allah aba abuze olubula olwewala.

Era Allah n'Agamba:

{ إِنَّهُ مَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ اللَّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَمَأْوَاهُ النَّارُ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ }

(72)Maaeda:

Amakulu nti: Mazima Omuntu bwagattika ku Allah ekintu ekirala kyonna mukumusinja, Allah afuula Ejjana kuye okuba **HARAMU**

(emuziyiziddwa okugiyingira), era obuddukirobwe guba Muliro, ate Bbo abalyazamaanyi tebalina mutaasa yenna agenda ku bataasa.

Kale ne mukugatta ku Allah mwemuli Okusaba abafu, n'okusaba okutaasibwa nabo, n'okweyama okubaako kyobakolera oba n'okubasalira ekisalibwa kyonna.

**Ensonga Ey'okubiri:** Omuntu ateesa wakati we ne Allah ebintu ebirala nga abisaba, era nga abiyitiramu okumuwohereza ewa Allah era nga abyesigamirako mu mbeera ze (nga akakasa nti byebimutaasa), oyo aba akaafuwadde.

**Ensonga Ey'okusatu:** Omusiramu atalaba nti (Abashiriku) abagatta ku Allah nti bakaafiiri oba nga abuusabuusa mubukaafiiri bwabwe, oba nga alaba nti enzikiriza yaabwe nayo ntuufu, oyo naye aba akaafuwadde.

**Ensonga Ey'okuna:** Omuntu akakasa nti waliwo obulunghamu bwonna obusinga obulunghamu bwa Nnabbi SAW, oba nti okulamula kw'omuntu omulala kwekusinga obulungi ku kwa Nnabbi Muhammad SAW. Okugeza abo abalaba nti okulamula kwa bantu abalala kusinga okwa Nabbi, oyo aba akaafuwadde.

**Ensonga Ey'okutaano:** Omuntu asunguwalira ekintu kyonna mwebyo Omubaka byeyajja nabyo, wadde nga abikolerako oyo aba akaafuwadde. Allah yagamba:

{ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ فَأَخْبَطَ أَعْمَاهُمْ} Muhammad:9

Amakulu nti: (Abantu abo abakafiiri emirimu gyabwe gayonooneka) olwokubanga beetamwa ebyo Allah byeyassa (kumubakawe) Olwo ye Allah nayonoona emirimu gyabwe.

**Ensonga Ey'omukaaga:** Omuntu ajeje oba ajerega ekintu kyonna mu Ddini y'Omubaka oba okujeje Empeera oba ebibonerezo ebiri mu ddini, oyo aba akaafuwadde. Allah yagamba nti :

{وَلَمَّا سَأَلْتَهُمْ لَيَقُولُنَّ إِنَّمَا كُنَّا نَخُوضُ وَنَلْعَبُ قُلْ أَبِاللَّهِ وَآيَاتِهِ وَرَسُولِهِ

كُنْتُمْ تَسْتَهْزِئُونَ (65) لَا تَعْتَذِرُوا قَدْ كَفَرْتُمْ بَعْدَ إِيمَانِكُمْ} التوبة 65-66

Amakulu nti: Bwoba obabuzizza bajja kugamba nti tubadde tusaaga nakuzanyamu, bagambe nti Allah n'amateekage n'omubakawe bemubadde mujeje, Temwetonda Mumaze okukaafuwala oluvanyuma lw'obukkiriza bwamwe

**Ensonga Ey’omusanvu:** Eddogo, era nga mulyo mwemuli okulijja kugweriba likutte , Kale omuntu alikola oba naasiima alikoze aba akaafuwadde. Allah Agamba nti:

{ وَمَا يُعَلِّمَانِ مِنْ أَحَدٍ حَتَّى يَقُولَا إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةٌ فَلَا تَكْفُرْ فَيَتَعَلَّمُونَ

مِنْهُمَا مَا يُفَرِّقُونَ بِهِ بَيْنَ الْمَرْءِ وَزَوْجِهِ } البقرة: 102.

Amakulu nti : Malaika zombi tezirina gweziyiriza ddogo okujjako nga zimugamba nti ffe tuli kikemo kale temukaafuwala olwo abantu nebabayigako eddogo eryawula wakati w’omuntu Ne mukaziwe.

**Ensonga Ey’omunaana:** Okuyamba abagattika ku Allah bwebaba balwanyisa Abasiraamu, Allah yagamba:

{ وَمَنْ يَتَوَكَّفْ مِنْكُمْ فَأَنَّهُ مِنْهُمْ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ (51) المائدة: 51

Amakulu nti: Omuntu Mumwe akola omukwaano n’abantu abagatta ku Allah, Ye Allah talunghanya bantu balyazamanya. Maa-edah : 51

**Ensonga Ey’omwenda:** Omuntu akakasa nti abantu abamu bakkirizibwa obutagoberera Mateekaga Muhammad SAW geyaleeta, oyo aba akaafuwadde kubanga Allah yagamba:

{ وَمَنْ يَبْتَغِ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ } آل

عمران(85)

Amakulu nti : Omuntu eyesiimira Eddini endala obutali Busiraamu Allah tagenda kugikkiriza era omuntu oyo kulunaku lw’enkomerero agenda kubeera mu bafafaganidwa. Al- Imraan : 85

**Ensonga Ey’ekkumi:** Omuntu okwesamba eddini ya Allah, nga tagisoma era tagikolerako , Allah yagamba :

{ وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ ثُمَّ أَعْرَضَ عَنْهَا إِنَّا مِنَ الْمُجْرِمِينَ مُنتَقِمُونَ } السجدة:

(22)

Amakulu nti : Tewali muntu asinga bulyazaamanyi kusinga oyo aba ajjukiziddwa amateeka ga Allah ye nagesamba, Ffe tuli bakwesasuza abakozi beebibi.

Ate tewali njawulo mu bintu bino ebimenya Obusiraamu wakati w’omuntu abikola mukusaagasaaga oba mu bumalirivu oba mu kutya okujjako oli singa abikola mubuwalirize (oyo yatavunanibwa). Ate ebintu bino byebisingira ddala okubeera ebyakabi, ate era byebisinga okulabika mu bantu, kale Omusiraamukimugwanidde okubyewala ,era n’okubitiisa omutima gwe. Twekkingiriza ne Allah okutukuuma obutakola bitukakasako busungubwe, nebibonerezo ebiruma, Allah

asse okusaasira kwe n'emirembe ku wekitiibwa asinga ebitonde byonna Muhammad nekubantu benjuuye nekubagoberezi be.

Awo wewakoma ebigambo bya Sheikh Allah amusaasire.

Ate era mumutendera ogwokuna muyingiramu nabino :  
Omuntu akakasa nti amateeka abantu gebassawo benyini nti gasinga Sharia (Aga Allah) oba nti genkana ,oba nti abasiraamu gebateekendwa okukozesa.

Singa akakasa nti okulamuza Sharia Kwekusinga obulungi, oba nti enkola y'obusiraamu tetuukaana kussibwa mu nkola mu kyasa kino, oba nakakasa nti amateeka gano gegavuddeko abasiramu okusigala emabega, oba nga akakasa ntu amateek gano aga Allah gakoma wakati wamuntu ne katondawe , era tegayingira mu Mbeera ya muntu eyabulijjo.

Era mumutendera ogwo ogw'okuna muyingiramu nate : Omuntu akiraba nti okussa munkola okulamula kwa Allah mu kutema omukono gw'omubbi, oba okukuba omwenzi amayinja nti bino tebisaanira mu mulembe guno.

Nabwekityo omuntu akakasa nti kikkiribwa okulamuza amateka agatali ga Allah, mu byenkolagana n'abantu oba mu kulamuza amateeka ga Allah (**Huduud**) oba ebitali ebyo, nebw'abeera nga takakasa nti (agabantu) gegasinga Sharia, kubanga olwo aba akkiriza ebyo Allah byeyagaana, ate omuntu addira ebyaganibwa nabifuula bya *Halaali* nga ate bimanyidwa muddini nti biri Haramu nga Obwenzi, Omwenge , Riba n'okulamuza amateka agatali ga Allah, oyo aba akaafuwadde.

Tusaba Allah atulagirire okukola ebimusiimya, era atulunghamye awamu n'Abasiraamu bonna okukwata ekkubo etterevu, Yye Allah Awulira era ayanukula abaddu be era abali kumpi nnyo. Tusaba Allah asse okusaasirakwe n'emirembe ku wekitiibwa Nabbi waffe Muhammad nekubantu b'enjuuye n'abagoberezi be.

Enkomerero y'ekitabo